

1

Omusaayi Gwa Kristo	The Blood of Christ
<p>Ekigambo, “omusaayi gwa Kristo” Kitegeeza omulimo Yesu Kristo gwe yakola ku musaalaba. Omusaayi gukikirira omusango. Omusango gw’ebibi byaffe Kristo gweyetikka ku musaalaba (okufa kwe okw’omwoyo).</p> <p>“Eyetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu okukubibwa kw’oyo kwe kwabawonya. 1Pet 2:24</p> <p>“Ataamanya kibi, yamufuula ekibi ku lwaffe ffe tulyoke tufuuke obutuukirivu bwa Katonda mu ye”. (2 Abakolinso 5:21).</p>	<p>The phrase "blood of Christ" refers to the Work of Jesus Christ on the Cross. Blood represents judgment -- the judgment for our sins while Christ was bearing them on the Cross (His spiritual death).</p> <p>The physical death of the animal in the Old Testament sacrifices is analogous to the spiritual death of Christ.</p> <p>"Who his own self bare our sins in his own body on the tree, that we, being dead to sins, should live unto righteousness: by whose stripes ye were healed." 1 Pet. 2:24</p> <p>"For he hath made him to be sin for us, who knew no sin; that we might be made the righteousness of God in him." 2 Cor. 5:21</p>
<p>Buli saddaaka y’ensolo yayogeranga ku mulimo gwa Kristo.</p> <p>“Olunaku olwokubiri n’alaba Yesu nga ajja gyali n’agamba nti, Laba omwana gwendiga gwa Katonda aggyawo ebibi by’ensi.’ (Yokaana 1:29).</p> <p>“Yajoogebwa naye neyetowaza, n’atayasamy kamwa ke, ng’omwana gwendiga ogutwalibwa okuttibwa era ng’endiga esirika mu maaso g’abo abagisalako ebyoya, wewaawo teyayasamy kamwa ke.” (Isaaya 53:7).</p>	<p>Every animal sacrifice spoke of the Work of Christ.</p> <p>"The next day John seeth Jesus coming unto him, and saith, Behold the Lamb of God, which taketh away the sin of the world." John 1:29</p> <p>"He was oppressed and he was afflicted, yet he opened not his mouth: he is brought as a lamb to the slaughter, and as a sheep before her shearers is dumb, so he openeth not his mouth." Isa. 53:7</p>
<p>Ensolo teyalina kibi naye yasalirwa omusango. Mu musango, ensolo yattibwanga mu buliwo.</p> <p>Yesu Kristo teyayina musango, mu butuufu yali tayinza kukola kibi oba kwonoona. Mu kumusalira omusango, ebibi by’ensi yonna byabalibwa ku ye. Ekigambo omusaayi gwa Kristo kabonero ka saddaaka z’ensolo ez’endagaano enkadde. Omulimo gw’omusaalaba gwakiikirirwanga emikolo gy’okusaddaaka. [Ebisingawo soma, okutabaganya, ebiziyiza, n’ebibajje ebiri mu tabenakulo].</p>	<p>The animal had done nothing wrong but was judged anyway. In the judgment, the animal died physically. Jesus Christ had done nothing wrong, in fact He was impeccable. In His judgment, the sins of the whole world were poured out on him. The phrase "blood of Christ" sets up a representative analogy with the animal sacrifices of the Old Testament. The Work of Christ was presented by means of these ceremonial practices.</p>
<p>Oluvannyuma lw’omulimo gwa Yesu Kristo ku musaalaba, yagamba nti “Kiwedde.” N’agamba nti Kitange nteeka omwoyo gwange mu mukono gwo, yawaayo omwoyo gwe.</p> <p>“Kitange kyava anjagala kubanga mpaayo obulamu bwange ndyoke mbutwale nate, tewali abunzigyako naye nze nzekka mbuwaayo. Nnina obuyinza obw’okubuwaayo era nnina obuyinza obw’okubutwala nate .....” (Yokaana 10:17-18).</p> <p>“Awo Yesu n’ayogera n’eddooboozi ddene n’agamba nti Kitange nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo, byeyamala okwogera ekyo, n’awaayo obulamu.” (Lukka 23:46).</p>	<p>After Jesus Christ's work on the Cross was completed, He said, "It is finished!" Then He said, "Father, into thy hands I commend my spirit." He dismissed His spirit; He did not bleed to death on the Cross.</p> <p>"Therefore doth my Father love me, because I lay down my life, that I might take it again. No man taketh it from me, but I lay it down of myself. I have power to lay it down, and I have power to take it again..." John 10:17,18.</p> <p>"And when Jesus had cried with a loud voice, he said, Father, into thy hands I commend my spirit: having said this, he gave up the ghost." Luke 23:46</p>

Omusaayi Gwa Kristo	The Blood of Christ
<p>Yesu Kristo ng'amaze okufa, omusirikale n'amufumita mu mbiriizi ze ne ffumu era amangu ago nemuvaamu amazzi n'omusaayi. Okuvaamu omusaayi n'amazzi nga byanjawulo kitegeeza nti yali amaze okufa, ekitegeeza nti eyayiwa musaayi okutuusa okufa. Era n'obulago bwe tebwasalibwa nga obw'ensolo mu kuwaayo saddaaka. SOMA Yok.19:31-34</p>	<p>After Jesus Christ had died physically, the soldier ran a spear into His side, and blood and water (serum) came out. The separation of the serum and blood indicated that He had already died physically. Hence, he did not bleed to death. And His throat was not cut as was the animal's in the sacrifice. READ John 19:31-34</p>
<p>N'olwekyo, okuyiwa omusaayi gw'ensolo kabonero ka kufa kwa Yesu Kristo okw'omwoyo (okusalirwa omusango gwaaffe) okufa kw'ensolo kwali kwa mubiri. Okufa kwa Yesu kwali kwa mwoyo.</p> <p>"N'okutabaganyisa ebintu byonna eri ye yennyini mu ye, bwe yamala okuleeta emirembe olw'omusaayi gw'omusaalaba gwe, mu ye okutabaganyisa oba eby'okunsi oba eby'omuggulu." (Abakolosaayi 1:20).</p> <p>"Naye awali okuggibwako ebyo, tewakyali kuwangayo saddaaka olw'ekibi.</p> <p>Kale ab'oluganda, bwe tulina obugumu okuyingira mu kifo ekitukuvu olw'omusaayi gwa Yesu" (Bebbulaniya 10:18-20).</p>	<p>So, the bleeding of the animal is an analogy to the spiritual death of Jesus Christ (His judgment for us). The judgment of the animal was physical death. The judgment of Christ was spiritual death.</p> <p>"And having made peace through the blood of his cross, by him to reconcile all things unto himself; by him, I say, whether they be things in earth, or things in heaven." Col. 1:20</p> <p>"And their sins and iniquities will I remember no more. Now where remission of these is, there is no more offering for sin. Having therefore, brethren, boldness to enter into the holiest by the blood of Jesus." Heb. 10:18-20</p>
<p>Omusango guno gwajjawo ekiziyiza wakati w'omuntu ne Katonda. Waliwo okusisinkana wakati w'enjuyi zombi ku musaalaba era okusisinka okwo kuyitibwa, "Omusaayi gwa Kristo."</p> <p>Saddaaka z'omusaayi ze zaakozesebwanga okusomesa abantu b'endagaano enkadde ku kufa kwa Kristo. Era kano kabonero akalaga nti abantu bangi balokolebwa mu ndagaano enkadde. Balokolebwa nga ffe olw'ekisa ekyaliiwo n'okukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo.</p>	<p>This judgment served to remove the Barrier between man and God. There is a meeting between the two sides of the Cross, and that meeting is in the phrase "blood of Christ". The teaching of the death of Christ for the sins of the world was, to Old Testament people, by the use of the blood sacrifices. And the significance of the analogy is that it relates us directly to the millions of people who were saved before the time of Christ. They were saved just as we are, by grace pro-vision and faith in the Lord Jesus Christ.</p>
<p>Tewakyali bwetaavu bwakusaddaaka nsolo kubanga Yesu Kristo ku musaalaba yabimaliriza.</p> <p>"Era mu mateeka kubulako katono ebintu byonna okunaazibwa omusaayi era awataba kuyiwa musaayi, tewabaawo kusonyiyibwa." (Bebbulaniya 9:22).</p> <p>Omusaayi gwa Yesu y'ensibuko y'enjigiriza z'obulokozi zonna ez'endagaano empya omuli ne zino;</p>	<p>There is no longer a need for animal sacrifices, because Christ's sacrifice on the Cross is once for all.</p> <p>"And almost all things are by the law purged with blood; and without shedding of blood is no remission." Heb. 9:22</p> <p>The blood of Christ is the basis for all of the salvation doctrines of the New Testament, including the following:</p>
<p><b>Okununulibwa</b></p> <p>"Nga mumanyi nti temwanunulibwa na bintu ebiggwawo, feeza oba zaabu mu mpisa zammwe ezitaliimu ze mwaweebwa bajajjamwe wabula n'omusaayi gw'omuwendo omungi ng'ogwomwana gwendiga ogutaliiko bbala newankubadde obulema ye Kristo." (1 Petero 1:18-19).</p> <p>"Eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe ng'obugagga bw'ekisa kye bwe kiri. (Befeeso 1:7).</p>	<p><b>Redemption</b></p> <p>"Forasmuch as ye know that ye were not redeemed with corruptible things, as silver and gold, from your vain conversation received by tradition from your fathers, but with the precious blood of Christ, as of a lamb without blemish and without spot:" 1 Pet. 1:18,19</p> <p>"In whom we have redemption through his blood, the forgiveness of sins according to the riches of his grace." Eph. 1:7</p>
<p><b>Okutukuzibwa</b></p> <p>"Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweebwa</p>	<p><b>Justification</b></p> <p>"Much more then, being now justified by his blood, we</p>

<b>Omusaayi Gwa Kristo</b>	<b>The Blood of Christ</b>
obutuukirivu olw’omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe.” (Abaruumi 5:9).	shall be saved from wrath through him." Rom. 5:9
<p><b>Okubalibwako obutuukirivu</b>                      Obutuukirivu bwa Katonda butussibwako kubanga ebibi byaffe byatekebwa ku Kristo (Abakolinso 5:2). Katonda atunuulira abakkiriza mu butuukirivu obwenkana ebibi byaffe byasasulibwa ku musaalaba era twaweebwa obutuukirivu lwa kisa.</p>	<p><b>Imputation</b>                      God's righteousness is imputed (credited) to us because our sin is imputed (credited) to Christ. 2 Cor. 5:21 (above). God looks at the believer and sees a righteousness equivalent to His own. This is possible because our sins were judged at the Cross and we were given righteousness by Grace.</p>
<p><b>Omutango</b>                      “Katonda gwe yassaawo okuba omutango, olw’okukkiriza omusaayi gwe, okulaga obutuukirivu bwe, olw’okuleka ebibi ebyakolebwanga edda, Katonda ng’agumiikiriza. (Abaruumi 3:25).</p>	<p><b>Propitiation</b>                      "Whom God hath set forth to be a propitiation through faith in his blood, to declare his righteousness for the remission of sins that are past, through the forbearance of God:" Rom. 3:25</p>
<p><b>Okulongoosebwa n’okukomezebawo mu bumu</b>                      “Naye bwe tutambulira mu musana nga ye bwali mu musana, tussa kimu fekka na fekka n’omusaayi gwa Yesu omwana we gutunaazaako ekibi kyonna, bwetogera nga tetulina kibi twekyamya fekka so nga n’amazima tegali mu ffe. Bwetwatula ebibi byaffe, ye w’amazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe n’okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. (1 Yokaana 1:7-9).                      (Soma Abaleevi essuula 4 ne 5 okutegeera ebiweebwayo eby’obumu).</p>	<p><b>Cleansing and Restoration to Fellowship</b>                      "But if we walk in the light, as he is in the light, we have fellowship with one another, and the blood of Jesus Christ cleanseth us from all sin. If we say that we have no sin, we deceive ourselves, and the truth is not in us. If we confess our sin, he is faithful and just to forgive us our sins, and to cleanse us from all unrighteousness." 1 John 1:7–9                      [ Read Leviticus chapters 4 and 5 for an account of the two offerings related to restoration to fellowship. ]</p>